# NEMA esazeewo okuzimba ebikondo ku mwala gwa Kaliddubi

Bya SAUYAH NAMWANJE

EKITONGOLE kya NEMA kyalangiridde enteekateeka z'okusimba ebikondo eby'olubeerera ku mwala ogusangibwa mu Munisipaali ya Makindye Ssaabagabo mu disitulikiti y'e Wakiso.

Era baalabudde abeesenza okumpi n'omwala guno bwe baabadde mu nsisinkano y'ab'ekikugu mu munisipaali wamu n'akwanaganya poliisi n'omuntu waabulijjo ng'olukiiko lwabadde ku Busaabala P/S era lwetabiddwaamu n'abatuuze.

Abatuuze b'e Buggu, Kibiri A ne Busaabala be bagenda okukosebwa mu nteekateeka eno. Okusinzira ku NEMA, abatuuze abali naddala ku njegooyego z'olutobazzi olwa Kaliddubi baakusendebwa era bagenda kusooka kulamba awanaasendebwa, olwo basende nga June 19, 2026.

Ssentebe w'e Kabuuma, Med Diriisa Mwanje ng'eno omwala gye gusembera yategeezezza nti, aba NEMA baapima ne balamba omwala we guteekeddwa okuyita era bo ng'akakiiko, baayogera n'abatuuze ne bavaawo. Agamba, gye gutandikira baabala mmita 3 ate gye gusembera baatwala ffuuti 30.

"Omwala guva wala, guliraanye Mayanja ng'amazzi bwe gatuuka ewaffe ganjaala. Tulina oluguudo oluva e Salaama okudda e Kabuuma naye enkuba bw'etonnya, amazzi ganjaala mu luguudo ne gataataaganya entambula. Ffe e Kabuuma tulina ebigoma ebyakaddiwa, ebimu byazibikira, tusaba basooke batuzimbire olutindo lwa Kaliddubi naddala e Kabuuma kuba amazzi tegakyayitamu olw'ebigoma ebyakaddiwa," Mwanje bwe yawanjaze.


E Kabuuma omwala gye guyita, ebigoma byazibikira era amazzi ganjaala buli enkuba lw'etonnya.

### BABAWEEYO KE BABAWA

Julius Segawa ow'e Buggu agamba nti, tebamanyi watuufu omwala guno we guyita era buli muntu mweraliikirivu alowooza bagenda kumumenya.

N'agattako nti, abayiwa ettaka mu nnyanja be basembeza ekitoogo. Ono yasabye Gavumenti ebeeko ssente z'eddiza abasendebwa bafune we batandikira.


Julius Segawa


Moses Otimong


Dr. Shafik Ssonko


Sempala Kigozi


David Serukenya

Ate eyali omubaka wa Makindye Ssaabagabo, Emmanuel Sempala Kigozi agamba nti, yatandikako okugoba ku pulojekiti ey'okukola Kaliddubi nga World Bank eyagala Gavumenti eriyirire abantu olwo yo ekole omwala ogwo. Agattako nti, abantu bwe batavaawo, ssente World Bank egenda kuzizzaayo. N'agamba nti, okukozesa ebyobufuzi bye bikalubya ensonga ezimu. Yagasseeko nti, Gavumenti yandibadde yagaana abantu okwesenza ku mwala guno, nga bwe yakuuma ettaka ly'e Lubowa.

Omubaka wa Makindye Ssaabagabo, David Sserukenya yagambye nti, yawandiikidde akulira NEMA ng'amusaba okuyimiriza okusenda abantu wabula bakole ku ky'okuzimba omwala guno. N'agamba, bwe baba baagala okumenya abantu, bateekwa okubaliyirira.

"Tetwetaaga kugobawo bantu kuzimba mwala kuba gusobola okuzimbibwa nga teri amenyeddwa," Sserukenya bwe yatangaazizza.

N'agattako nti, bayisa ssente ne ziweebwa NEMA okukuuma entobazzi era buli munisipaali erina akakiiko ka NEMA okulambula n'obutagaba layisinsi ku ntobazzi. N'abuuza nti, amayumba gawera gatya ng'obukiiko obwo weebuli?

Ate Moses Otimong, akulira abakozi mu munisipaali ya Makindye Ssaabagabo yalaze nti, omwala guno guvuddeko endwadde olw'amazzi okwanjaala era n'atangaazaa nti, okumenya kwa kukolebwa misana ttuku. Era yatangaazizza nti, baafuna ssente obuwumbi 37.8 nga ssinga tebaggyaawo bantu abeesenza ku njegooyego z'olutobazzi, kontulakita ayinza okuzizzaayo.

N'agamba nti, buli enkuba lw'etonnya, amazzi ganjaala ku luguudo olugenda e Ntebe, ekireeta amataba. N'agattako nti, kino bwe kitanogerwa ddagala, kyandikosa ne disitulikiti eziriraanyeewo nga Wakiso, Mpigi ne Mukono.

Omwala guno gwa kkiromita 14 nga guva Nalukolongo-Wankulukuku-Najjanankumbi-Busaabala-Ndejje- Kibiri, ne guyiwa mu nnyanja Nalubaale.

Otimong yayongeddeko nti, abanaazuulwa nga baasenga wakyamu baakuweebwa ekiseera basobole okuvaawo mu mirembe kyokka abanaalemerawo, baakusengulwa ku kifuba. N'agamba, teri kuliyirira bantu abatwalira amateeka mu ngalo ne beesenza okumpi n'olutobazzi.